**P335/1**
LUGANDA

**NOVEMBER.2023**

ESSAAWA BBIRI(2)

**SHAPTA JOINT ASSESSMENT BOARD**

**Uganda Certificate of Lower Secondary Education**

LUGANDA

**SENIOR ONE**

**EBIGOBERERWA:**

- Soma ebibuuzo obitegeere bulungi nga tonnabiddamu.
- Okukwata obubi ebibuuzo kijja kukuviirako okufiirwa obubonero.
- Wandiika oluganda olutuufu nga owandiika eby'okuddamu.
- Ddamu ebibuuzo byonna mu lupapula luno.

**1.** Akutetenkereza musajja njasabiggu era y'omu ku ba binywera ku kyalo Nakinyuguzi. Yawasa abakazi bana olw'eddiini ye anti musiraamu. Omukazi asooka yamuzaalamu abaana basatu, owookubiri bana, owookusatu babiri ate ye asembayo y'akamuzaalamu abaana basatu. Omwana we omukulu alina emyaka amakumi abari ate asembayo alina emyaka esatu. Abaana bonna beesinga emyaka ebiri. Omuggalo bwe gwajja, abaana bonna ne badda awaka era Haji yasanga obuzibu okubalabirira. Haji Akutetenkereza we njogerera alemeddwa okugunjula abaana be mu mpisa, kubanga bayisaamu abantu amaaso, abamu baagaana okuddayo okusoma, abalala baatandika okunywa enjaga ate tebakwatagana awaka.

a) Laga ebizibu abasajja abalina abakazi n'abaana abangi nga Haji ono bye bayitamu ku kyalo kyammwe. **Obubonero 6**

b) Singa Haji aba tasirisizza kuzaala,olowooza ayinza kuba na baana bameka oluvannyuma lw'emyaka ena nga buli mukazi amuzaddemu omulundi omulala gumu. Laga emitendera mw'oyise okufuna eky'okuddamu.

**Obubonero 4**

c) Wefuule akulira abafumbo ku kitundu kyammwe, owandiikire Haji omuwe amagezi ku ngeri gy'ayinza okugujula abaana be beegombese buli omu.

**Obubonero 10**


**2.** Weetegereze ebifaananyi bino wammanga oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaabyo.



**EKIF:1**



**EKIF:2**



**EKIF:3**

a) Ku buli kifaananyi laga ennyambala erimu, ebifo weesaana okulabikira mu bulamu bwaffe obwa bulijjo. **Obubonero 6**

1) Ekifaananyi 1
2) Ekifaananyi 2
3) Ekifaananyi 3

b) Ku bifaananyi ebyo, londako kimu olage emigaso gy'ennayAmbala erimu eri oyo abeera agyettanidde. Leeta emigaso esatu (3) **Obubonero 6**

c) Olowooza lwaki ennyambala eyonnonese nnyo ensangi zino naddala mu bavubuka (abawala n'abalenzi)? Leeta ensonga 4 **Obubonero 8**

**3.** Ente nsolo ya mugaso nnyo eri abantu n'obutonde bw'ensi mu Uganda. Amawanga mangi agasangibwa mu Uganda agalunda ente kyokka nga emanyiddwa nnyo mu bugwanjuba bw'eggwanga (Ankole) anti abaayo kwe balya, kwe banywa mpozzi n'okwambala. Wano mu Buganda, ente eriko emigaso mingi ddala gyotayinza kubuusa maaso nga okuvaako ennyama, eddiba lireega engoma, amayembe bagakolamu engombe y'abayizzi n'ebirala bingi. Olw'okujjukujju bw'aBaganda, balina n'engero n'enjogera bye bajja ku nte. Okugeza, Eza kalimpaka zinyagirwa mu ssaazi, kiguumaaza, ng'ente esuze ewali enkoomi n'endala.



a) Ensolo ekooneddwako mu mboozi eyo erina mugaso ki eri omuntu mu Buganda n'ebitundu ebirala. Leeta ensonga 5 **Obubonero 10**

b) Leeta engero ssatu ezikwata ku nsolo ezikooneddwako mu mboozi eyo.

**Obubonero 06**

c) Leeta amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa ku nsolo eyo:

**Obubonero 04**

1) **Essaazi**
2) **Ennyana.**

**4.** Nakawuka muwala mulungi mubalagavu ddala, buli w'ayita abaleka bamira mangota olw'okusaalirwa. Muwala atemera mu gy'obukulu amakumi abiri era ali S.6 ku ssomero erimu mu kitundu kyabwe. Yalina banne kyokka nga bamwemulugunyaako nti awunya akamwa era awunya n'olusu. Ebiseera ebisinga yali banne bamwegobako era abeera yekka mu kwekubagiza.

Kitwale nti otegedde obuzibu we buva, mutuuze obuulire engeri gy'ayinza okukuumamu obuyonjo bwe obw'omubiri asobole okwegombesa buli omu.

**Obubonero 10**

OLULIMI BWE BUGAGGA

**BIKOMYE WANO**